# Abayizi bajjumbidde ebigezo bya Bukedde ebya End of Term Holiday Assessment



Abayizi nga bakola ekigezo kya Maths.

Bya MUSASI WAFFE

ABAZADDE n'abayizi bajjumbidde ebigezo bya ***Bukedde*** ebya ***Bukedde End of Term I Holiday*** Assessment ebifulumira mu lupapula lwa ***Bukedde***. Eggulo, ***Bukedde*** yafulumizza ekigezo kya Mathematics ekirimu ebyo ebiyamba omwana wo owa P7 okwegezaamu okulaba w'ayimiridde mu bisomesebwa.

Akulira okusaasaanya amawulira ga Vision Group efulumya ne ***Bukedde***, Bruce Byaruhanga yagambye nti ebigezo bino bitegekebwa abasomesa abakugu era abayizi bangi abawa obujulizi nti byabayamba nnyo okuyita ebigezo byabwe eby'akamalirizo.

Olwaleero, mulimu ekigezo kya Social Studies, ssaako ansa za Mathematics eyakoleddwa eggulo. Ku Lwokusatu mujja kubaamu ekigezo kya Intergrated Science ne ansa za Social Studies, olwo ku Lwokuna nga May 21 mubeereemu ekigezo kya English ne ansa za Intergrated Science. Ansa za English zijja kubeera mu katabo ka Mmande.

Byaruhanga yakubirizza abazadde okwettanira ebigezo bino ssaako okujjumbira emiko gya Pass PLE egifulumira mu ***Bukedde*** buli Mmande n'Olwokuna nga byonna obifuna ku nnusu 1,000/- zokka.